# MASAKA DIOCESE

OFFICE OF THE BISHOP

Bishop's House, P. O. Box 70, Masaka, Uganda (East Africa)


26 May 2026

Bakristu baganda bange,
Abantu ba Katonda mwenna mu Masaka Diocese,

**ENKUZA Y'OLUNAKU LW'ABAJULIZI NGA 3 JUNE 2026 MU MASAKA DIOCESE**

Mwenna mwamanya nti omwaka guno 2026 tetujja ku kulamaga Namugonga ku Kiggwa ky'Abajulizi nga 3 June olw'ekirwadde kya Ebola ekyabalukawo. Okulamaga okwo nga kuyimiriziddwa, Ssentebe w'Olukiiko lw'Abepiskoopi ba Uganda yatuwandiikira ebbaluwa n'atutegeeza nti buli Mwepiskoopi w'Essaza akole entereeza y'okukuzaamu olunaku lw'Abajulizi ba Uganda mu Ssaza lye.

Wano e Masaka, nga 3 June 2026, tujja kulamaga ku Bifo (Parishes) byaffe ne ku Centres (groupings of Sub-Parishes) zaffe, ye wanaabeera Missa. **Missa emu yokka**, oba ku Kifo oba ku Centre. Buli Kifo kitegeke mu ngeri eyo. Amasomo tulikozesa: 2 Makabeyo 7:1-2, 9-14; Roma 8:31b-39; Yoanna 12:24-26.

Buli awanaasomerwa, Missa nga tennatandika wabeewo obudde obw'okuyigiza ku **Kwesingira Abatuukirivu** (cult of Saints) **naddala Abajulizi ba Uganda, mu bulamu bwaffe. Kino kitwaliremu okwongera amaanyi mu kisinde ky'okulangirirwa mu lubu lw'Abeesiimi eky'Omuddu wa Katonda Msgr. Aloyizio Ngobya n'Omuzaana wa Katonda Sr. Amedeo Byabali.** Oluyigiriza luno terwandisusse ssaawa emu, nga mw'otwalidde n'okwanukula ebibuuzo by'Abakristu ku nsonga ezo zombi. Tujja kubaweereza emisinga (outline) gy'oluyigiriza olwo.

Abakulu mu buli Kifo bakole entegeka ey'enjawulo okuwa Essakramentu lya Penetensia abakkiriza okusobola okukuza obulungi olunaku lw'Abajulizi.

Twebaza abali mu Novena y'Abajulizi eyatandise nga 25 May, ejja okukomekkerezebwa nga 2 June 2026. Abaayitiddwako okutandikirawo, mu maaso awo musome *TRIDUUM*: 31 May – 2 June 2026).

Mbaagaliza olunaku lw'Abajulizi ba Uganda olw'emikisa era tubasabe nnyo batuwolereze tunywerere mu kukkiriza.

Owammwe

+ Serverus Jjumba
**OMWEPISKOOPI W'ESSAZA LY'E MASAKA**